| Essomo 1 | الدرس الأول |
|---|---|

# OKULAMULA KUKWAMBALA

Obusilamu ddini nungi ela nyanjo era yakkiriza omusilamu okulabikila mukifananyi ekyiyonjo era ekilungi era netukubiliza kubyo, bwatyo allah yatonda ebyo byetusobola okozesa okusobola okubikka emibili gyaffe ate era nga twewunze bulungi, agamba allah musurat aarafu aya 26 nti:

Agamba allah nti: abange abaana ba ADAM mazima twassa gyemuli ekyambalo mubikke nakyo obweleele bwamwe era mwewunde nabyo, nebyambalo byokutya Katonda, ekyonno nga kyekilungi era ekyo kili mububonelo bwa Allah obulaga obukulu nobuyinzabwe oba alyawo ne mwebuulilila nabyo bwekutyo okwambala nekuba nga kuli halaali kwakkirizibwa okujjako okwo okuliko obujulizi obuteleevu nga bukugaana era obusilamu tebwateekawo kika kyangoye kyegawulidde wabula bwassaawo obukwakkulizo obuteekwa okutuukizibwa kulogoye bwassaawo obukwakkulizo obuteekwa okutuukirizibwa kulogoye omusilamu omukkiriza lwateekwa okwambala, nga buteekwa okutuukirizibwa nga nemubwo.

Olugoye lwayambala omukkiriza lutekwa okubeera nga lubika obweleelebwe ate nga telumukutte nyo kutuuka kulaga mubiligwe nga bwegwakula.

Era teluteekwa kubeera mwezo engoye ezimanyidwa nti bwolwambala obeera wefanayizza abakafiiiri, oba abo abamangidwa nti bebagala ebikolwa ebitamwa muddini

Era tulutekwa kwambala lwakabandabe bampane era nga teluliimu kudiibuuda mumiwendo gyalwo.

Bwelutyo olugoye bwelubeera nga lutuukilizza obukwakkulizo obwo, bwatyo omusilamu ayina eddembe okwambala olwo lwaba ayagadde okusinziila kubwetavubwe era nengeli nekikula kyengoye ezimanyidwa mu bantu bekitundu gyawangalila,

Ne mu bintu ebiliko obujulizi obubigaana mubyambalwa byebino wammanga:

Okwambala feeza ne zaabu kuludda lwabasajja, wabula bbo abakyala bakkilizibwa nga bwekyajja muhadith ya Ali eya wandikibwa nisaai ne Abu dawuda ne ibun maja nti.

Agamba Ali bun Abii Twalib nti mazima nabbi swalla Llaahu alaihi wasallama yakwata feeza namuteeka kuludalwe olwa dyo nakwata ne zaabu namusa kukkono oluvanyuma nagamba nti: ‘’Mazima bino byombi bili haram eri abasajja ba umah yange”.

Wabula tekilina kabi signa omusajja ayambala empeta eya feeza oba okwambala ekintu nga kitabudwamuko ka feeza mbwebyo abasajja byebambala.

Okwambala ekintu ekiliko ekifananyi ekyekintu ekilina omwoyo tekikirizibwa eri omusilamu okwambala ekyambalo ekilimu ekifananyi kyomuntu oba ekyensolo, ibeere mubyambalo oba ebyewundwa nabyo nga ebokomo mpeta nebilala, nga bwekili mu hadith eyawnadikwa imam bukhar ne muslim egamba nti:

Agamba Aisha nti mazima yye yagula akagoye ewokaawe nga kalimu ebifananyi naye bweyakalaba omubaka wa Allah swalla Llaahu alaihi wasallama yayimilila mumulyango natayingila, agamba aisha nti nemmanya bwenatunula mukyenyikye nti ayina kyatamiddwa kyatasiimye, nengamba nti owange omubaka wa allah nenenya eli Allah era nenenya eli omubaka wa Allah, abaffe zambiki lyenkoze? Nagamba nti: nakaguze nga nkagulidde gwe okatuuleko era okesigameko, nagamba omubaka wa Allah swalla Llaahu alaihi wasallama nti mazima bannanyini bifananyi ebyo bagenda kubonelezebwa olunaku lwenkomelero bagenda kugambibwa nti kale mussemu obulamu mwebyo byemwatonda oluvanyuma nagamba nti mazima enyumba elimu ebifananyi teyingilwa bamalaika (abokisaasila)